ENNYINGO - 11

OBULAMU E BUKATIRA

11.1 Obulamu bwa PK n'Omukyala Susaana Nakitto e Bukatira

Nga amaze okuva mu maka ga mutabaniwe Samwiri Kaggulire azze mu gage mu Kibutamu, yasanga obuzibu mu bulamu, olwokubeera mu maka ago yekka. Yagezaako okwagala mukyalawe Eseza naye agende mu kyalo babeere bombi, kyokka ng'ate tewali yali agenda kubeera Makeerere. Kyeyava ateesa ne mukyalawe nebakkiriziganya afuneyo omukyala omulala. Kino yakituukiriza bweyafuna omukyala Susaana Nakitto eyali mwanyina w'Omwami Leubeni Kalumba era muwala wa Yakobo Kacwano, abaabeeranga e Kiteredde mu Kirema. Omukyala oyo yamuwasa mu bufumbo bwe kinnansi era yamala naye emyaka nga abiri (20) alyoke ye PK afe mu mwaka 1968, ate ye Susaana n'afiira mu lutalo lwa Yoweri Kaguta Museveni olwamaamulako Obote II eyo wakati wa 1981 ne 1986 mu "Luwero Triangle". Omukyala oyo yalabirira bulungi PK, kyokka Ddunda teyabawa mwana wabwe bombi, okujjako nti ye Susaana gyeyali asoose okufumbirwa yali azaddeyo abaana.

Bwebaali kye bajje batuuke e Bukatira baasanga akasomero akaali kyekajje katandikibwewo Omw. Buzza mu 1947, awo wenyini mu maka ga mutabaniwe Samwiri Kaggulire, nga ka bibiina bina (4). Amangu ago abaanabe ababiri Damasiko Kaggulire ne Asanasiyo Bbosa baatandika okusomera mu kasomero ako. PK yafuba nyo okwegatta ne batuuze banne beyasanga ku kyalo okukulaakulanya akasomero ako. Baasala amagezi okulabagana n'Omwami Bulasiyo Buyisi eyali nanyini ttaka ly'olusozi Kalege okubaazika ettaka eryo. Mu 1948 nga ettaka limaze okubaazikibwa essomero lyaggibwa okuva mu maka ga mutabaniwe nerizzibwa ku kasozi Kalege. Ngaali ne batuuze banne baafuba nyo ne bazimba ekizimbe essomero eryo mweryatandikira. Essomero baalituuma erinya, "Muteesa I Memorial School Kalege" nga balibbula mu Ssekabaka Muteesa ow'oluberyberye eyaleeta ekitangaala ky'obuyigirize. Essomero lyafuna ettutumu ddene mu kitundu ekyo n'ebitundu ebikyetoolodde olwokuba nti lyali lya bwa nakyewa (private), nga lirina abasomesa abali ku mulembe, ate nga lisomesa n'Oluzungu, obutafaanana n'aga baminsane agaali getooloddewo agaali gatakkirizibwa kusomesa bayizi Luzungu!! Mu mwaka ogwaddirira ogwa 1948, essomero lyagaziwa neriyingiza abayizi mu bibiina ekyokutaana n'ekyomukaaga (Primary 5 & 6). Ku nkomerero y'omwaka lyasobola okufulumya abayizi bataano (5) abaali bamazeeko Primary 6. Bano baasobola okweyongerayo mu masomero amalala aga secondary. Muteesa I Memorial School Kalege yasika abaana bangi okuva mu masomero g'Abaminsane. Ebyava omwo tebyali birungi. Bannanyi masomero ago amalala beegatta n'abafuzi abaali mu kitundu ekyo ne batandika okukozesa obukodyo bw'okulisekeeterera balisuule. Ekimu ku kyebaakola baasendasenda nanyini ttaka eyali abaazise ekifo ku lusozi Kalege okuligobako, era n'okulikijjakijja mu ngeri endala. Ebyo byonna byaliwalizisa okuva ku lusozi Kalege neridda awalala. Ekyava mwekyo kwekugenda nga lisereba mpolampola n'okuzikira nerizikirira ddala.

Enkumbi yagikwatira ddala kinnawadda, n'alima ppamba ne mwanyi ebyamusobozesa n'okugula ettaka yika ataano (50) mwe yazimba amakaage ku kyalo e Namasinda mu kitundu kye yatuuma "Kibutamu". [Na kati amaka ago gakyaliwo nga galimu omwanawe Damasiko Kaggulire gwe baali naye mu buwanganguse, agakuuma ku lw'abaana banne abennyumba ya Kiyingi.]

11.2 Paulo Kiyingi awoleza Abantu ba bulijjo emisango

Olwamagezi ge amangi geyalina, yawoleza nyo abantu aba bulijjo, naddala mu kyalo e Bukatira, emisango mu mbuga z'amateeka oba okubawa amagezi n'empenda mwebaba bayita okwewozaako. Emisango egisinga nga gitera kuba wakati w'Abaami ba Gavumenti n'abantu aba bulijjo, naddala nga PK amaze okulaba obutali bwenkanya Gavumenti bwereese ku muntu oyo. Oluusi n'oluusi nga emisango giwerezebwa ewa Abalamuzi e Mengo ku kibuga. PK nga talonzalonza kujja na muwaabe oyo, n'amusuza mu makaage e Makeerere, nebasinziira awo okuwoza omusango ogwo mu mbuga e Mengo. Yayagalanga nyo omusango guleme kugwerawo mu lunaku lumu, wabula gujulire olulala, ekyo kiryoke kimuwe empoza. Kwekwava enjogera ye eyettutumu gyetwawuliranga, "Ogusula, gwe gukuwa empoza". Yayatiikirira nyo nga "Puliida" w'omuntu owa bulijjo, kyokka nga tasasulwa mpeera.

11.3 Aleeta Omwoyo gw'Obwegassi mu kitundu

Paulo Kiyingi ye yasooka okuleeta omwoyo gw'obwegassi (*co-operative spirit*) mu kitundu ekyo, bwe yakubiriza banne ne bazimba eduuka nga beegasse wamu awo mu kabuga Kalege (Kalege Trading Centre). Baasubulanga ebintu ku miwendo egya kolijja (*wholesale prices*) ate ne babyeguza ku miwendo emisaamusaamu (*fair prices*).

11.4 Abaddugavu Okusunsula Pamba ne Mwanyi

Paulo Kiyingi yali omu ku baalwana obwezizingirire olutalo olwokukkirizisa abaddugavu okusunsula ebirime pamba ne mwanyi byebeerimiranga, bwe beegatta ne banne abalala mu gwanga ne bakisaba Gavumenti enkuumi. Ensonga eyo yawaliriza Gavumenti okuleeta omuzungu omukugu okuva e Bungereza gwebayita Fenar Broakway eyajja okugyetegereza, amale naye asembe nga bwekyali ekituufu abaddugavu okwesunsulira ebirime byabwe ebyo. Kino kyakolebwa mu mwaka 1949.